# URA okusolooza ffiizi z'amasomero kutandika ddi?

BULI Lwakusatu, akulira ekitongole ekiwooza emisolo ekya URA ayanukula ebibuuzo byammwe ku nsonga ezitali zimu. Ebibuuzo abyanukula ng'ayita mu lupapula lwo olwa *Bukedde*. Weereza ekibuuzo kyo ku nsonga yonna ku misolo n'obusuubuzi ku nnamba eno **0701625460** byonna ajja kubyanukula.



Ebibiina by'essomero erimu.

**Ekya URA okusolooza ffiizi mu masomero ga Gavumenti kituufu nti kitandika mwaka gujja?**

URA ebadde n'enteekateeka y'okukung'aanya ebisale by'abayizi naddala mu ssettendekero za gavumenti okwetooloola eggwanga okumala ekiseera. Enkola eno ekyagenda mu maaso ng'omuyizi ensimbi azisasula ku akawunti za URA, oluvannyuma ne ziweerezebwa mu ggwanika ly'eggwanga. Ku masomero ga siniya, gavumenti ekyalung'amya engeri y'okussa kino mu nkola.

**Lwaki tusasula omusolo gw'amayumba gaffe ge twezimbidde nga n'ebizimbisibwa nabyo babiggyako omusolo?**

Ennyumba gy'ozimbye n'ekigendererwa ky'okugisulamu ggwe ng'omuntu, teggyibwako musolo. Ennyumba evaamu ensimbi z'abapangisa y'esasula omusolo, ng'ogusooka gwe gwa Rental Tax ogubalibwa ku nnyingiza gy'ofunye mu mwaka. Gavumenti z'ebitundu okugeza KCCA, munisipaali, disitulikiti ne town council ez'enjawulo nazo zisolooza obusuulu ku nnyumba z'opangisa abantu. Buli nsaasaanya ebeera eteereddwa ku kizimbe ekkirizibwa okutoolwa ku nnyingiza eggyibwa mu bapangisa, naddala ku bizimbe omukolerwa bizinensi (commercial buildings).

**Ssente mmeka ze tulina okuba nazo okusonyiyibwa omusolo mu bizinensi zaffe okufaananako bamusigansimbi?**

Okubeera musigansimbi tekitegeeza nti oteekeddwa okuba omugwira, wabula ne Munnayuganda asobolera ddala okugya mu kiti kino. Okusinziira ku tteeka ly'omusolo ku nnyingiza, omuntu yenna nga mutuuze w'erimu ku mawanga agali mu mukago gwa East Africa ng'aweza kapito wa ddoola 300,000, nga ku nsaasaanya ye ku musaala gw'abakozi, ebitundu 75 ku 100 (75%) bidda eri abakozi bannansi. Kino kisoboka ng'otadde bizinensi yo mu kifo kya bannamakolero (Industrial Park). Kyokka era bw'osiga ddoola 150,000 nga bizinensi yo esangibwa mu buwanvu obusukka kiromita 50 okuva mu kibuga Kampala, naawe ogwa mu kiti kya bamusigansimbi bano. Okusobola okuganyulwa mu mbeera eno, otandika na kuteekamu kusaba tusobole okumanya oba olina ebisaanyizo bya musigansimbi.

**BUUZA KAMISONA**



Akulira URA, Musinguzi.